# Bajjumbidde ebigezo bya Bukedde End of Term I Holiday Assessment

Bya MUSASI WA BUKEDDE

ABAYIZI n'abazadde bajjumbidde ebigezo bya Bukedde ebya Bukedde End of Term I Holiday Assessment ebifulumira mu lupapula lwa Bukedde.


Eggulo Bukedde yafulumizza ekigezo kya Social Studies with Religious Education ekirimu ebyo ebiyamba omwana owa P7 okwegezaamu okulaba w'ayimiridde mu by'asoma.

Akulira okusaasaanya amawulire ga Vision Group efulumya ne Bukedde, Bruce Byaruhanga yagambye nti, ebigezo bino bitegekebwa abasomesa abakugu era abayizi bangi abawa obujulizi nti byabayamba nnyo okuyita ebigezo byabwe eby'akamalirizo ebya PLE.

Olwaleero mulimu Integrated Science ne ansa za Social Studies eyakoleddwa eggulo. Ku Lwokuna mujja kubaamu ekigezo kya English ne ansa za Integrated Science. Ansa za English zijja kubeera mu katabo ka Mmande.

Byaruhanga yakubirizza abazadde okwettanira ebigezo bino ssaako okujjumbira emiko gya PASS PLE egifulumira mu Bukedde buli Mmande n'Olwokuna nga byonna obifuna ku 1,000/- zokka.

MOSES LEMISA



Abayizi abaabadde bakola ekigezo eggulo.